# ABAANA ABATAAYAAYA MU BUTALE BW'OMU KAMPALA



Omwana nga yeebasiddwa mu kiyungu gye bafumbira emmere mu Katale ka Owino.

## Abasuubuzi bawanjagidde KCCA ebassizeewo ebifo awakuumirwa abaana

Bya JACKSON SEWANYANA

ABASUUBUZI b'omu butale mu Kampala bawanjagidde KCCA okubassizaawo ebifo mwe bakuumira abaana, bawone okutaataaganyizibwa mu mirimu gyabwe ate n'abaana baabwe baleme kugwa mu mitawaana.

Enid Kanyunyuzi 24, omu ku bakyala abakolera mu katale k'e Wandegeya agamba akola n'omwana we, wabula amukaabirira okukamala era olumu ne bakasitoma abamu bagenda bwe balaba ng'obudde abutadde mu kusirisa mwana we.

Mu ngeri y'emu ne Lydia Namwanje 25, abeera ku bwerinde olw'okutya omwana we okumwemululako n'agenda ku madaala g'akatale gy'ayinza okusirittukira n'agwa oba abaguzi n'abasuubuzi abalala okumulinnya mu butanwa. Era amutiisa ne kukibbabaana abayinza okumugwiikiriza ng'atala mu katale!


Ssaabawandiisi w'ekibiina ekitaba obutale bwonna mu ggwanga, ekya Uganda Markets and Allied Employees Union, Peter Kivumbi agamba, mu katale ka USAFI bazze beenyigira mu nteeseganya n'okuwandiikira KCCA ku ky'obwetaavu bw'ekifo omukuumirwa abaana naye mpaawo kibala kyali kivuddemu.

Abasinze okubeera n'ekizibu ky'abaana abataayaaya mu butale kuliko ab'omu katale k'e Wandegeya, aka USAFI n'e Kasubi.

Naye eky'enjawulo ku b'e Wandegeya, bo baalina ekifo omukuumirwa abaana, lwakuba kyaggalwa emyaka etaano emabega, era beebuuza lwaki KCCA tekiggulawo?

Herbert Mugisha, nga musuubuzi mu katale k'e Wandegeya, yasabye, oba KCCA eremereddwa, ekifo bakibawe beekolemu omulimu ng'abasuubuzi baddemu okufuna awantu awabanguyira we bassa abaana baabwe.

Ab'e Kasubi bo 'Day care' yaabwe ebadde emaze emyaka nga yazing'ama naye kati baafunye omukisa n'emalirizibwa.



Daniel Nuwe Abiine owa KCCA

Wabula Ronald Zzibu, omu ku basuubuzi mu katale kano agamba ekibabobbya emitwe, kati wayise omwaka mulamba nga KCCA tegiggulawo kutandika kukola ate ng'abasuubuzi bakyetaagira ddala.

Wadde bano bakaaba, abasuubuzi b'omu katale k'e Busega bo balina akamwenyumwenyu ku matama olw'okuba n'ekifo mwe bakuumira abaana baabwe. Naye Julian Nantamu 25, agamba balinamu ebibasoomooza ku kifo kino, era olumu bafundikira nga basigadde n'abaana baabwe ku midaala.

"Kituufu baagala tutwale abaana mu Day Care era tekukiwakanya, naye mujjudde ebifuba, ate abazadde abamu beesuulirayo gwa nnaggamba ku kujjanjabisa abaama baabwe", Nantamu bwe yatangaazizza.

Ate avunaanyizibwa ku kuddukanya ekifo ekikuumirwamu abaana mu katale k'e Busega, Amina Namirembe 32, agamba akiggulawo ku ssaawa 1:00 abazadde ne batandika okuleeta abaana era basasulayo 2,000/- olunaku. Bakuuma okuva ku makya okutuuka ku ssaawa 12:00 ez'akawungeezi lwe babanona.

"Ffe otuwa mwana mulamu, omulwadde tetumukkiriza ate omuzadde yeeleetera ebyokulya by'omwana we, wabula birina okuba nga byokya tetukkiriza binnyogoga," Namirembe bwe yategeezezza.

Omwogezi w'ekitongole kya KCCA, Daniel Nuwe Abiine yagumizza abatannafuna Day Care nti, KCCA eri mu nteekateeka okulaba nga nabo bazifuna kuba pulaani yaazo eri ku buli katale akapya ke bagenda okuzimba.

Mu ngeri ey'enjawulo, ab'e Wandegeya yabagumizza bwe yabagambye nti, ekisibye Day Care yaabwe, KCCA ekyali mu kusunsula abalina ebisaanyizo by'okuddukanya ekifo omukuumirwa abaana mu katale kano.



Omwana ono yasangiddwa gye bafumbira emmere mu katale ka Owino.

### 'KCCA ebalowoozeeko'



**Mwejolly Tushabe. Abaana abato tebasaana kubeera mu butale kubanga bakwata mangu ate oluusi twogera ebigambo ebinene bye batasaana kuwulira. Babafunire ebifo ebyabwe we baba babeera baleme kwonooneka.**



**Robinson Mwanje: Mu butale wabaayo emize mingi naddala okulwana era omwana basobola okumugwira ne bamutuusaako obuvune era nze njagala buli mukyala alina omwana aleme kugenda naye mu katale.**



**Fatumah Mbabazi: Abazadde basomesebwe engeri gye basobola okubeera n'abaana baabwe mu butale ng'abaana teboonoonese kubanga n'ebifo w'osobola okubaleka tebikyalina bukuumi.**



**Joseph Ssenyange: Si kirungi abaana abato okubeera mu butale naye tukimanye nti abamu batya okulekera abantu abalala abaana baabwe. Kale abeera mumatiivu ng'omwana we amuli ku lusegere.**